# Museveni atadde obuwumbi 85 mu SACCO z'aba saluuni

Bya HANNINGTON NKALUBO

BANNANNYINI saluuni n'abazikolamu bajaganya pulezidenti Museveni bw'abasuubizza okubawa ensimbi obuwumbi 85 zibayambeko okwongera okugaziya emirimu gyabwe.

Pulezidenti yabeebazizza emirimu gye bakola egigatta obuterevu ku bika by'abantu bonna okubanyiriza n'okubalabisa obulungi n'ategeeza nti, ayagala bongere okukola ennyo nga bayita mu kwegatta mu SACCO mw'agenda okuyisa ssente zino.

Ssente yazibasuubizza nga December 14, 2025 bwe yabadde abasisinkanye mu kisaawe e Kololo okutongoza ekibiina ekigatta abasaluuni bonna mu ggwanga ekiyitibwa Fedaration of Uganda Salon Operators and Beauty Professionals.

Museveni yabalaze nti, abaddugavu baali tebekkiririzaamu nti, balungi olw'engeri abazungu gye baali babatwalamu naye kati endowooza eyo yavaawo dda olw'engeri abantu gye beefuddeko ate n'aba saluuni gye bongedde okubayooyoota n'okubanyiriza.

Yabasiimye okuba abayiiya n'okuba abakozi n'abasuubiza nti, agenda kubakwatirako n'ensimbi obuwumbi 85 z'agenda okuteeka mu SACCO zaabwe basobole okuzeewola.

Yalambuluddde nti, buli SACCO agenda kugiteekamu obukadde 100 buli mwaka nga SACCO zonna okwetooloola eggwanga ziwera 850 agenda kuziteekamu omugatte gwa buwumbi 85.

Kino kyasanyusizza bammemba ba SACCO abaabadde bakung'aanidde e Kololo ne bawera okugenda mu maaso n'okumuwagira kubanga naye abaagaliza.

PPU



Pulezidenti Museveni ng'atongoza Sacco y'aba saluuni e Kololo nga 14, December 2025.

Ssentebe w'ekibiina ekigatta aba saluuni, Celestine Kamanyire yasanyukidde pulezidenti n'ategeeza nti, bammemba bonna basanyuse. Yeebazizza nti, ensimbi zino zigenda kwongera okubasitula era n'asiima okusalawo okuyamba abantu abakozi.

Ate omumyuka wa sipiika, Thomas Tayebwa yasiimye obukulembeze bwa Pulezidenti Museveni okulumirirwa bannansi naddala ba mufunampola ng'abayamba nabo okugaggawala.

Yanokoddeyo nti, enkola ya Operation Wealth Creation eyambye nnyo okusitula bannansi mu nkola eyo n'aba saluuni bagenda kuyambibwa bagaggawale nga pulezidenti bw'abalagidde.

Yategeezezza nti, agenda kukakasa nti, ensimbi zino zissibwa mu mbalirira y'eggwanga ate akakase nti, ziweebwa ebitongole ebituufu okuzituusa ku bakozi bennyini.

Ate minisita Balam Barugahara, yasiimye pulezidenti okulumirirwa bannansi n'okusingira ddala abavubuka nabo n'abasaba bagende mu maaso n'okumuwagira kubanga naye abaagala era abawadde ensimbi ezibakulaakulanya.

Mu kiseera ky'ekimu, bannannyini maduuka mu Kampala bali mu keetalo ka kugenda kusisinkana pulezidenti Museveni leero (Lwakubiri) nga basiibye ku kitebe kya FUTA ekikulemberwa John Kabanda eyakolaganye n'ababatwala.

Buli kibiina kiwandiise bammemba baakyo okuggyako ekya KACITA ekitabiriimu.